# Beeyamye okusomesa abalina mukenenya

OMUSITUZI w'embeera z'abantu ku Namugongo Divizoni Margaret Nazziwa, akuutidde abantu ab'enjawulo n'ebitongole okudduukirira abantu naddala abaana abalina akawuka ka mukenenya, kibasobozese nabo okuwangaala n'okukendeeza ku mbeera eno mu ggwanga.

Nazziwa bino yabyogeredde mu zooni ya Kireka C awali ofiisi za Plattern Charity Organisation abálabirira abaana abatalina mwasirizi n'abalina akawuka ka mukenenya ñ'agamba nti ye nga CDO, kimukakatako okwenyigira mu nteekateeka eno era beesanze ng'ebitongole eby'enjawulo bigezaako okuyambako naddala nga bakola ensiisira z'ebyobulamu n'okuteekawo okwekebeza okw'obwereere.

Milly Nabukenya akulira ekitongole kino agambye nti balina abaana 400 abatalina mwasirizi era omwo mwe muli n'abalina akawuka era bafuba okubalabirira, okubabuulirira n'okubasomesa ku ngeri gye bayinza okumiramu eddagala, n'okufuna obujjanjabi.

Omwogezi w'ekitongole kino Halimah Nampiima yagambye nti bakumye omusubbaawa ng'akabonero akalaga essuubi mu bantu bano nti ensi tennakoma bakyasobola okugenda mu maaso n'obulamu bwabwe.



CDO Margaret Nazziwa (ku ddyo) ng'akulembedde kaweefube w'okwongera okubudaabuda abalina mukenenya e Kireka.